# Lipoota ya UNEB eraze abayizi bwe bongedde okubanguka

BYA LAWRENCE KIZITO NE SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ky'ebigezo ekya UNEB kikoze okunoonyereza ku nsomesa empya ku bayizi abali wakati wa S1 ne S4, ne bazuula ng'ensomesa eno eyambye nnyo abayizi, abasomesa, amasomero, n'abantu ba bulijjo, olw'engeri gy'efudde abayizi ekyokuddamu ky'ebizibu ebiruma abantu.

Bino byabadde mu lipooti eyasomeddwa akulira UNEB, Dan Odongo eri minisita w'ebyenjigiriza Janet Museveni, ku mukolo gw'okufulumya ebyavudde mu bigezo bya S4 ebyatuulwa omwaka oguwedde. Omukolo gwabadde mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero mu Kampala.

Okusinziira ku lipooti eno, UNEB okunoonyereza yakukoze mu masomero 171 okwetooloola eggwanga, era baabuuzizza abakulira amasomero 44, abasomesa n'abayizi mu masomero ga Gavumenti n'agobwannannyini, mu byalo ne mu bibuga, ag'ebisulo n'ag'abava awaka.

Odongo yagambye nti, ensomesa eno empya yagenderera okufulumya abayizi abalina obukugu obwetaagisa mu mulembe guno, omuli okulowooza ennyo, obuyiiya, okuwuliziganya n'abantu abalala, okukolagana n'abalala, okufuna ansa z'ebizibu ebisoomooza abantu ku mulembe guno, n'obukugu obulala.

Okunoonyereza kwalaze nti, abayizi boolesezza obukugu mu kukola ku bizibu n'okusoomoozebwa nga bayita mu kwekolera okunoonyereza, okusengejja n'okutaggulula ensonga, okuwuliziganya obulungi n'abantu, okwekkiririzaamu, obuyiiya, n'okulowooza ennyo, ekitaali ku bayizi ab'ensomesa enkadde.

Mu kukola ku bizibu n'okusoomoozebwa, omu ku bayizi abaabuuzibwa yagamba nti ensomesa eno ebawa omukisa okukola ku bizibu ebibeetoolodde nga bayita mu buyiiya, n'awa ekyokulabirako nti, kasasiro yali ajjula ku ssomero lyabwe, abayizi ne beebuuza kye basobola okukola okumalawo ekizibu kino.Baasalawo okusaanuusa pulasitiika ne bamukolamu ebintu ebirala.

Obukugu mu kwogerezeganya n'okuwuliziganya, nabwo abayizi babufuna mu nsomesa empya, era baakizudde nga kati abayizi basobola okunnyonnyola ensonga n'obuvumu, ate era bawandiika bulungi emboozi okusinga bannaabwe ab'ensomesa enkadde.

Omusomesa omulala yagamba nti abayizi kati basobola okwewozaako n'obuvumu, era boogerezeganya bulungi n'abasomesa awatali kutya. Abayizi era bekkiririzaamu, ng'okusinziira ku muyizi omu, balina omukisa ogukubaganya ebirowoozo ne bannaabwe mu kibiina, ng'omuyizi omu ayimiridde okunnyonnyola banne, ekibayambye okufuna obuvumu n'okuwuliziganya obulungi n'abalala. Era abamu ku bayizi abaayingira S1 nga beemotyamotya, we baatuukira mu s3 nga bakalangufu.


Dayirekita wa UNEB, Dan N Odongo (ku kkono) ne ssentebe wa UNEB Polof. Celestino Obua (ku ddyo) nga bakwasa minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo, Janet Kataha Museveni ebyavudde mu bigezo bya S4.

Abasomesa abamu beenyumiriza mu buyiiya abayizi bwe balina, nga tokyasobola kuyingira kibiina nga tokoze kunoonyereza kuba omuyizi asobola okukusoomooza.

Ate omusomesa omulala yagambye nti mu nsomesa empya, omusomesa ateekwa okuba mu kibiina, ate mu nsomesa enkadde omusomesa yali aweereza buweereza kitabo abaana ne bakoppolola.

Ate Pulojekiti abayizi ze bakola, abasomesa balaga nti zibayambye okufuna ssente okuva mu bye bakola, ate ne ziyamba n'ebitundu gye bava.

Pulojekiti zino kuliko ebyobulimi omuli enva endiirwa, obutiko, okulunda enjuki, okukola eddagala eritta ebiwuka, nnassale mwe bamerusiza ensigo, n'ebirala.